## EMBALA Z'OKUYITIMUSA AMATEEKA AG'EKINTU KIRAMU MU MULEMBE GUNO OGW'EMITIMBAGANO

Awatali mpuliziganya nnungamu, bino wammanga tebisobola kukolebwako; okukuluusanya abakazi, okukijjanya abaana, obwavu, okutabagana, okwekiririzaamu, obusosoze mu mawanga, okusenguka, eddembe ly'abakozi, eddembe ly'obuzaaliranwa, eby'obulamu n'embeera y'obudde.

Mu kino twetaaga enkola ey'okwekeneenya buli kintu okusobola okussaawo tekinologiya akulakulanya abantu, empisa ne ssemateeka, sso ssi kubisanyaawo.

Twetaaga embala ezisobozesa abantu okwetaba mu misomo egy'obwerufu, okumanyisibwa n'enkola eya ssemateeka nga tebaziyizibwa kumanya na kufuna magezi ku neeyisa ey'okutabagana obulungi, okweyisa mu ngeri ey'ekintu kiramu n'okuba n'obuvunanyizibwa.

Ebyafaayo by'eddembe ly'empuliziganya biraga embala zino era ziraga ensi omuli;

- Eddembe eri buli muntu okuwuliziganya, okutegeza n'okugabana amagezi, byonna nga byetaaga empuliziganya ennungi n'eddembe ku ndowooza ya buli muntu.
- Eddembe eri buli muntu okwenyigira mu mu by'empuliziganya ebirungi omuli n'okwegendereza abaliko obulemu, n'abateesobola. Bino bisoboka ng'enfuga ey'emitimbagano gy'empuliziganya teriimu kuboola.
- Eddembe eririmu empuliziganya ey'olukale etaliimu kyekubiira. Kino nno kiwanirirwa obulombolombo, obwerufu n'okwekuba mu mutima nga waliwo ebisowaganye.
- Eddembe lya buli muntu okuweebwa ekitiibwa kye mu buntu. Kino okubaawo walina okubaawo obwerufu n'obuvunanyizibwa ku mikutu egyo egy'empuliziganya.
- Eddembe lya buli muntu okwezibira ebyama bye n'engeri ya kaffeccee ku bimukwatako, gamba ng'okusiimulayo ebibakwatako ssinga baba tebeetabye mu kutyoboola ddembe lya buntu oba obumenyi bwa mateeka. Walina okubaawo obuwaayiro obulungamya ensonga zino zonna.

- Eddembe lya buli muntu ku buwangwa bwe n’olulimi olumwawula ku balala. Bino nno nabyo bikakata ku kulungamizibwa mu nnimi ezenjawulo n’obutakugirwa kutandikawo n’okuddukanya emikutu gy’empuliziganya.
- Eddembe okukuguka mu by’empuliziganya n’okugunjuka mu by’emikutu gy’empuliziganya. Bino nno biva mu kutendekebwa okusaanidde n’okubagawo enteeseganya, okunyumya, okuwuliriza, obutakisa n’okulowooza okw’ekikugu ddala.
- Eddembe lya buli muntu okuba n’amasanyalaze okusobola okuddukanya emitimbagano gye. Gino nno gitegeeza kuba na maanyi ga njuba oba amasanyalaze agakolebwa mu mpewo.
- Eddembe lya buli muntu okuba n’obuuma bu kalimagezi ku bbeeyi ensaamusaamu oba okwefunira ku byuma ekika kino eby’omubbanga. Kino kitegeeza okuba n’ebyenfuna ebiteredde, kyokka n’eddembe ly’okukanika singa wabaawo ekyuma ekifudde.

## About the language

Luganda is the official spoken language of Buganda, a tribe in Uganda. After English, the official language of Uganda, Luganda is the country's most spoken local language, preceding Swahili, the second official language. Until the 1960s, Luganda was also the official language of instruction in primary schools in Eastern Uganda. Luganda belongs to the Bantu branch of the Niger–Congo language family.

## About the translator

Misusera Sembajjwe describes himself as a "born-again male Christian, passionate about Faith & Order, and serving the Lord in different capacities." He is currently a youth worker at St. Kakumba Chapel (Anglican Church of Uganda) in Kyambogo University. He is a student of Bossey Ecumenical Institute pursuing an Online Course in Ecumenical studies; he hopes to pursue a master's degree at the same institute in 2023. He has applied to be a steward at the WCC 11th Assembly in Karlsruhe, Germany, 21 August to 10 September 2022. Misusera loves reading books, "especially theological books," and enjoys adventures, new challenges and leadership opportunities.